


Kiki ekigendererwa mu kunoonyereza kwa HOPE? Ekigendererwa ekikulu ekyo kunoonyereza kwa HOPE kwe kuwa banakyewa okufuna amangu akaweta k'omubukyala akalimu eddagala lya Dapvirine akatalina bulabe era ngakakola ("akaweta") nga enkola ey'okuziyiza akawuka ka mukenenya. Twalagala okutegera lwaki banakyewa bayinza okulondako akaweta nga enkola ey'okuziyiza akawuka ka mukenenya oba nedda, era oba byebaggala bikiyuka nga wayise ekiseera.

HOPE eyawukana etya ku ASPIRE?	
ASPIRE	HOPE
Ekigendererwa: Okukakasa oba akaweta kakola era nga tekalina bulabe mukuziyiza akawuka ka mukenenya	Ekigendererwa: Okutegeera oba abakyala banakozesa akaweta, bwebanaba nga bawereddwa omukisa.
Bakebera okulaba oba akaweta tekalina bulabe	Tukimanyi akaweta tekalina bulabe nakamu
Bakebera okulaba oba akaweta kasobola okuziyiza akawuka kamukenenya	Tukimanyi akaweta kasobola okukendeeza omukisa gw'omukyala okufuna akawuka kamukenenya
Abakyala ekitundu kimu kyakubiiri bafuna obuweta obwalimu eddagala ly'okunoonyereza n' ekitundu bafuna obuweta obutalimu ddagala lya kunoonyereza	Obuweta bwonna bulimu eddagala ly'okunoonyereza
Banakyewa bona balina okukiriza okukoozesa akaweta	Okukozesa akaweta kwa kwelonderawo eri buli nakyewa!
...	...

N'olwekyo ogamba abakyala balina eddembe okulondawo okukozesa akaweta mu HOPE? Yee. Abakyala basobola okuyingira mu kunoonyereza waddenga balonze oba tebalonze kaweta nga enkola ey'okuziyiza. Banakyewa bona bafuna emigaso gyegimu okuva mu kwetaba mu kunoonyereza, wadde olonzewo oba tolonzewo akaweta. Kubanga banakyewa balina okwelonderawo, tusaba nti banakyewa batwale akaweta singa bagala



okukakozesa. Banakyewa basobola okukyusa endowooza yabwe ku kukoza akaweta mu kiseera kyonna ky'okunoonyereza.

Nga ASPIRE bweyalaga nti akaweta tekalina bulabe era kakola, lwaki muwa banakyewa ba HOPE Okulondawo obutakozesa? HOPE ekwatagana kukutegeera oba abakyala banakozesa akaweta era banakozesa batya nga kati bwekamanyidwa nti tekalina bulabe era kakola. Tukimanyi nti obupiira bukalingitawa tebulina bulabe era bukola, naye abantu bangi bakyalondawo obutabukozesa oba okubusanga nga buzibu okukozesa. Tumanyi bingi ku lwaki abantu bakozesa oba tebakoza bupiira bukalingitawa era twagala okukunganya amawulire gegamu ku kaweta. Banakyewa abamu bayinza okwagala obutakozesa kaweta naye era baba n'omugaso eri okunoonyereza nga bakubaganya ku biki ebiretera akaweta okubeera akazibu okukozesa oba obutakaagala. Obwetavu bw'okuziyiza akawuka kamukenenya era nebyagalwa nabyo bisobola okukyuka eri nakyewa nga wayiseewo ekiseera.

Okusingira ddala, twagala buli mukyala okutegeera akatyabaga kaalimu mukufuna akawuka kamukenenya, n'enkola zona ez'okuziyiza akawuka ka mukenenya z'asobola okufuna, era alondewo enkola esaanidde obulungi mu bulamu bwe.

Abakozi mu kunoonyereza kwa HOPE n'ekibinja ky'abantu abakola mukitundu abantu gyebabeera basobola okukolera awamu ne banakyewa okubayamba okumanya era n'okutegeera akatyabaga kaabwe ak'okufuna akawuka kamukenenya. Twagala abakyala bawulire eddembe okulondawo akaweta oba nedda era n'okukyusa endowooza yabwe, awatali kusalira musango okuva eri abakozi oba banakyewa abalala.

Abakyala abayingira mu HOPE naye nebatondawo kaweta ddala kituufu balina omugaso gwona eri okunoonyereza?

Banakyewa bona abayingira mu HOPE bawo amawulire ag'omugaso eri okunoonyereza, wadde balonzewo akaweta oba nedda. Banakyewa byebatubulira byona bijja kutuyamba okwongera okutegeera akaweta era nengeri eyokuyamba abakyala okukozesa akaweta obulungi mukiseera eky'omumaaso.





Out of ASPIRE, there is HOPE

OKULONDAKO MU KUNOONYEREZA KWA HOPE

Singa olina ebibuuzo oba wetaaga amawulire agasingawo, mwattu kyalira kiliniika yo kunoonyereza:

MU-JHU Research Collaboration/ MUJHU CARE LTD
P.O.BOX, 23491
Upper Mulago Hill Road
Kampala, Uganda
TEL: 0414 541 044

